

**Intertek**

Valued Quality. Delivered.

# Okuyingiza Ebyamaguzi Mu Uganda

Okukuyamba okugoberera ne byetaagisa bya PVoC (Enkola ekakasa omutindo gw'eby'amaguzi)

Enkola ya PVoC mu Uganda etekeddawo ekitongole ekivunaanyizibwa ku mutindo gw'ebyamaguzi (UNBS) okukakasa omutindo n'obulungi bw'ebyamaguzi ebireetebwa, eri Munauganda abigula n'okuziyiza ebikwangala, eby'obulabe, n'ebintu ebitatuukaganye n'omutindo okuyingira mu kajegere akasasaanya n'okutambuza eby'obusuubuzi.

Abayingiza eby'obusuubuzi mu ggwanga betaaga okugoberera ebisaanyizo bya PVoC okusobozesa eby'amaguzi byabwe okuyingira mu ggwanga. Ebyamaguzi ebiri munteekateeka n'olukalala lwa PVoC byetaaga okubeera ne satifikeeti (CoC) ebikkiriza ng'eva mu nsi gye babisuubudde. Okulemererwa okukola ebyo, kuyinza okuleetawo okukeerewa okuyisawo ebyamaguzi ate n'okuwa enggassi ya bitundu 15% ku muwendo gwa (CIF) oba okuzikiriza eby'amaguzi nga nannyini kubireeta yaasasula oba okubizzaayo mu nsi gye byaava.



**Certificate of Conformity**




## MU BYETAAGISA BYA PVOC MULIMU,

- Ebyamaguzi ebireetebwa nga biri ku lukalala olwagerekebwa mu PVoC byakuwerezebwa ne satifikeeti ebikkiriza nga tebinatandika kutambuzibwa kubireeta mu ggwanga.
- Satifikeeti ya PVoC ya kuyamba kwanguya bya misolo (customs clearance) gy'abasubuzi, n'entambuza y'ebyamaguzi mu Uganda, no kukakasa nti ebya maguzi bino bikwatagana n'obuwaayiro ne biragiro by'omutindo ogwakakasibwa. Okulemererwa okulaga satifikeeti kuyinza okuviirako kuwa enggassi ya bitundu 15% ebya CIF ku muwendo gw'ebyamaguzibyo. Okuzikiriza eby'amaguzi, nannyini kubireeta yaasasula oba okubizzaayo mu nsi gye byaava.
- Ab'obuyinza (UNBS) mu Uganda basobola okutoola ku byosuubude (sample) babikebere okukakasa oba bitukagana n'omutindo.

Ebisingawo kunkola ya PVOC n'olukalala lw'ebintu ebyetaagisa CoC, biri ku mutimbaganano [www.export2uganda.com](http://www.export2uganda.com)

### Engeri zokufuna mu Satifikeeti



### SENTE ZOSASULA OKUKAKASA OMUTINDO

Ekika kya satifikeeti	Engeri	Ekigera kya sente ku 100 ku muwendo gw'ebintu	Sente ezitandikirwako (US Doola)	Sente ezenkomeredde (US Doola)
Satifikeeti y'ebintu ebitambuzibwa	A	0.500%	220.00	2375.00
	B	0.45%	220.00	2375.00
	C	0.25%	220.00	2375.00

Manya bino: (Notes)

- Sente ezo waggulu, zikola kubiwandiiko okukakasa no kukebera ebyamaguzi.
- Sente ezo waggulu, tekuliiko zakukebera kwa labalatole n'okuwandiisa ebyamaguzi yadde laisensi.
- Ebyamaguzi ebitasukka doola 2000 (FOB Value), tebibalibwa mu nkola ya PVoC, ebyo bya kwekenenyezebwa UNBS nga bituuse ku mwaalo gwa Uganda.

### Intertek ekuyamba etya okuleeta ebya maguzi mu Uganda.

- Intertek erina obumanyirivu n'ekyokuddamu eri bizinesi ezireeta ebyamaguzi eby'enjawulo mu Uganda. Abakozi baffe babangufu ku mutindo n'ebyetaagisa wamu n'okutegeera ebyetaago by'abaleeta n'abatwaala ebyamaguzi, bwe batyo basobola okuyamba obusuubuzi.
- Intertek erina enkwatagana munsu wonna ne offisi wamu ne labalatole zekozesa mu nteekateka za CAP okumala emyaka mingi, era nga baawebwa obuyinza okukebera ebyetaagisa mu Uganda mu bintu eby'amasanyalaze, obutimba, eby'ebidduka, emmere, eby'okuzimba ne birala bingi.
- Intertek esobola okuyamba okufulumya ebivudde mu labalatole eyesigika nga bikwatagana n'ebiragiro n'omutindo ogwakakasibwa mu Uganda.
- Satifikeeti ya PVoC ekkirizibwa era yesigibwa aba UNBS n'abakwasaganya emisolo mu Uganda.
- Intertek ekuweereza n'enkola ennyangu ekusobozesa okukwasaganya ebyetaagisa byonna omuli;
  - Okuwayo empapula ezikebera n'okukakasa ebyamaguzi ku mutimbaganano
  - Okuddamu amabaluwa g'ebikwatagana ku Satifikeeti (email)
  - Okuwereza okwangu ennyo ku bya satifikeeti eri abaleeta ebingi

Okufuna obuyambi ku by'okuleeta ebyamaguzi mu Uganda n'okumanya ebisingawo okuva eri abakuguse mu by'obusuubuzi bwa Uganda, genda ku [www.intertek.com/government/product-conformity/exports-to-uganda](http://www.intertek.com/government/product-conformity/exports-to-uganda) or email [info.ugandaPVoC@intertek.com](mailto:info.ugandaPVoC@intertek.com)

Okulaba olukalala olwa labalatole zaffe zonna, genda ku [www.intertek.com/contact](http://www.intertek.com/contact).

Ebisingawo ku byetukolera abasubuzi bisangibwa ku [www.intertek.com/government](http://www.intertek.com/government)

**Intertek**  
Government and Trade Services

Ground Floor, Block A,  
Zain Office Complex,  
Plot 1, Hill Drive,  
Kololo,  
Kampala,  
Uganda

T: +256 414 230 990

F: +256 414 231 990

M: +256 756 720 547

[www.intertek.com](http://www.intertek.com)